

Victa Kiyaga, omu ku baawangudde (ku kkono) ng'awayaamu ne minisita Janet Museveni (wakati).

# Bawangudde zaabu e Bungereza

Bya MADINAH SEBYALA

ABAYIZI musanvu abali wansi w'emyaka 13 bongedde okutunda Uganda ebweru bwe bawangudde zaabu mu mpaka z'okuwandiika emboozi empanvu e Bungereza.

Baawandiise emboozi enjiiye era minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni n'asiima essomero lyabwe olw'omutindo gwe lyolesa n'okwagazisa abayizi okuwandiika Olungereza. Emidaali baagiwangudde mu mpaka za 'Queens Commonwealth Essay Writing Competition' ezeetabwamu amawanga agaaliko amatwale ga Bungereza.

Moses Kibuuka, omusomesa w'Olungereza ku Namilyango Junior Boys agamba nti, omwaka guno abayizi 7 baafunye obubonero 100 ku 100 nga bonna baavudde mu ssomero lyabwe.

Yagambye nti, basanyufu kuba omwaka guno omuwendo gw'abeetabyemu n'abawangudde gweyongedde n'agamba nti, mu ssomero lyabwe, abayizi 28 abeetabyemu, 15 baafunye feeza, omu mudaali gwa kikomo.

Mu baafunye zaabu kuliko; Antonio Kitaka, Ethan Kibirige, Sebastian Kirunda n'abalala. Amasomero amalala okuli; St. Agnes Naggalama nago gaakoze bulungi. Akulira ebyeddiini ku Namilyango Junior Boys, Ibrahim Kafeero yagambye nti, empaka zino baasooka kuzeetabamu mu 2021, omuyizi waabwe Charles Ethan Mufuuma n'aziwangula.

Omukuku w'essomero lino, Sr. Immaculate Nabukalu yagambye nti, okwetaba mu mpaka zino kyongedde okutunda eggwanga lyabwe mu nsi yonna.